**<u>03rd November 2019.</u>**

# OBWEETAAVU BW'OKUNYIIKIRA OKUSABANGA. II

**<u>Abakkolosaayi 4:2,3.</u>**

Mu kweyongerayo kwaffe okusomesebwa mu byawandiikibwa ebitukuvu, okusinziira mu bbaluwa ya Paulo Omutume eri Abakkolosaayi, mu ngeri y'okukiyunga ku kye twaalaba Paulo akubiriza be yali awandiikira nga naffe mw'otutwaalidde, era mu ngeri yange okkikkaatiriza ng'ekikulu ennyo – Obweetaavu bw'okunyiikira okusabanga.

Kye twaalaba nga kwe kusoomoozebwa okusinga eri buli mukristaayo, na buli kkanisa; okusabanga obutayosa… nga bwe tweebazanga Mukama entakera, olw'okusiikuula okukkiriza okunyweevu mu ffe.

We twaalekebwa okkubirizibwa ng'abeegayirizi mu bigambo bya Isaaya 62:6,7; obutasirika misana n'ekiro okkoowoola Mukama nga tetuwummula. Era obutamuganya kuwummula okutuusa ng'azimbye Yerusaalemi era ng'agifudde ettendo mu nsi. Nga bwe kiri Ye kennyini y'atukubiriza mw'ekyo, olw'obweetaavu bw'obuvunaanyizibwa obukitugwaaniddemu.

Nalagwa ekitundu ky'ebyawandiikibwa ekikwaasaganyizibwa n'ebyo waggulu ekiri mu By'Abaleevi gye twaali mu ntandikwa y'omwaka mu ssuula 6:12,13 nti "Omuliro gunaasigalanga nga gwaka ebbanga lyonna, teguuzikirenga. Buli nkya kabona anaayongerangako enku ku kyoto; era anaatereezangako ekiweebwayo ekyokebwa ng'akitegese bulungi; era anaayokerangako amasavu ag'ebiweebwayo olw'emirembe. Omuliro gunaasigalanga gwaka ku kyoto ebbanga lyonna; teguuzikirenga."

Abawandiika musobola okkeberayo mu mulamwa gwe twaalina "OMULIRO OGUTAZIKIRA KU KYOTO KYA MUKAMA."………

Ng'ekyaagukuumanga kwe kwongerangamu kw'enku ba kabona kwe baalina okkolanga obutayosa…. Nayigirizibwa wiiki ewedde nti amaanyi g'obwakabona gasinziira ku maanyi ga Kyoto, n'olw'ekyo gwe kabona wa Mukama atalina Kyoto oli kabona mu linnya kyokka – byooya by'answa….

N'olw'ekyo nsaba Mukama, atusobozese okkoleeza n'okkuuma ebyooto byaffe tubeerere ddala "bakabona bw'obwakabaka, eggwanga ettukuvu, abantu ba Katonda bennyini. Abalondebwa tulyoke tutende ebirungi bya Katonda eyatuggya mu kizikiza n'atuyingiza mu butangaavu bwe obutenkanika." (I Pet. 2:9).

Nga ne leero tulaba mu nnyiriri 3,4, ensonga eyalina okuyimusibwanga eri Mukama mu ssaala entakera…..[*soma*].
Kwe kwaali okusabiranga Obwakabaka bwa Mukama okweyongera…..
Mu ngeri y'emu mwe yagambira Abaefeso mu 6:18-20 "nga musabiririranga mu ssaala zonna nga mwegayiririranga mu mwoyo buli kiseera. Mwekuumenga nga mugumiikirizanga, era nga mwegayiririranga abatukuvu, be bantu bonna aba Katonda. Era nange munsabirenga bwe nnaabanga njogera mpeebwe eby'okwogera, era mbyogerenga n'obuvumu nga ntegeeza abantu ekyama ky'Enjiri. Ndi mubaka wa Njiri ali mu njegere. Munsabire ndyoke ngibuulire abantu n'obuvumu nga bwe kinsaanira."
Ekyama kye yali ayogeddeko mu 1:25-27…..
Paulo atulaga nti kikulu nnyo okussa essira ly'obweetaavu bwaffe eri okutuukirizibwa kw'obufuzi bw'obwakabaka bwa Katonda Kitaffe ku nsi. Era nga Yesu Kristo bwe yakikulembeza mu ssaala gye yayigiriza abayigirizwa be nga nkiwa naffe mw'otutwaalidde…. Matayo 6:9-11.. "N'olwekyo mumusabenga bwe muti nti, Kitaffe ali mu ggulu, Erinnya Lyo litukuzibwe. Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu. Tuwe emmere yaffe eya leero......"
Mu kubuulira kw'enjiri mu butuufu ne mu maanyi mwe muli okuleetwa kw'obwakabaka bwa Mukama ku nsi, n'okkolwa kw'okwagala kwe……

Nkiwa nze naawe osanga kye twandisabye ab'oluganda ottusabira, nga tuli mu mbeera y'emu Paulo gye yalimu kwandibadde kuteebwa kuva mu kkomera, mbu tusobole okuweereza Mukama obulungi, ekitali kibi naye ekitasoosa kwagala kwa Mukama, na bwakabaka bwe ……
Ffe kennyini tukimanyi nti tuli batume ba Yesu Kristo eyatulagira mu Matayo 28:18-20, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu. Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo."
Nkiwa nti emu ku nsonga lwaaki abakkiriza abasinga tebagondera Mukama mw'ekyo bwe bunafu bwaffe okusabiragananga mu nsonga eyo, Paulo mwaatubuulirira leero okunyiikiranga….
[Friday outreach…….]